


# Episcopal Diocese ye Massachusetts Akakiiko ke byo kusinza no kuyimba

Okujaguza olwa Batukirivu

## Andronicus and Junia, Abatume

May 17



© 2008 Order of St. Helena, used by permission,  
by The Rev. Sr. Ellen Francis, OSH. [www.osh.org](http://www.osh.org)

Ekiteeso kya werezebwia eri olukiiko lwa Diocese olwa 223<sup>rd</sup> kiteseebweko mu 2009-2013, ekiteeso kino kyakirizibwa mu lukiiko luno mu 2007 ne 2008 nti kyongere okutesebwaako

## **Abatume bano kye batuyigiriza**

Ng' akomekereza ebbaluwa ye eri abaruumi, Paulo atuusa okulamusa kwe, okusingira ddala asaba bawandiikira "okulamusa Andronicus ne Junia, abengaanda zange ne banange abasibe; bawereza balungi bansooka okuba mu Kristo" (Rm 16:7)

Mu Bakolinso ekisooka 15: 7 Paulo agamba nti Kristo omuzukufu yalabikira e kuminababri "na bagoberezi bona" Kisoboka okuba ng' olwo Kristo lwe yatumba abakristaaayo abayudaaya banno nabagamba bagende nga abatume okubulira e Kanisa nga yakatandiika. Tetumanyi luganda lwali wakati wabwe, omusajja no mukazi banno bawereza bombi emyaka mingi. Baali begayirizi kubanga bakuma okukiriza newankubadde babonabona mu busibe. Paulo yali musajja mwetowaze ate omwegendereza mu buwereza bwe ne mu bulamu bwe bwona, kale kya kitibwa okuba nga yawandiika ku bagoberezi banno ng' abomuwendo era abasukulumye.

John Chrysostom yabawandiikako, natendereza Junia ng' omukazi era omutume. Kumpi mu kiseera 608 Andronicus ne Junia batongozebwa abaami bo mu Constantinople, eyo e Kanisa gye ya zimbibwa okabajukiranga. Okuva olwo babadde bajukirwa nga May 17, abasodokisi, nabakatuliki, abagoberera Eastern rite.

Okuva emirembe mingi, abakugu mu kukunganya ebifaananyi bazze bawandiika ku ki kye bali.

Mu Century eyo mwenda Omutukuvu Yozefu omuwandiisi we nyimba yawandiika oluyimba olulina ebigambo bino:

N' okukiriza tujja gulumiza emunyenye ezaaka enyo n' abawereza abatukuvu Junia n' oyo eyatumibwa Katonda Andronicus.  
Omutukiirivu Paulo abagulumiza mwembi ng' abasukulumye mu batume, era nga ba mukisa mu Kanisa.

Abatume, abegayirizi, era abatukirivu abatongozebwa--ebitiibwa bino biwa ekifaananyi kirungi nyo ku muntu naye amazima Paulo gayogera gali nti baali mu Kristo: baali bagoberezi babatize. Mu kubatizibwa naffe twayitibwa mu butukirivu n' amazima, okukola n' abakazi n' abasajja mu Kanisa, okwetaba mu kubulira enjiri, era no kuwereza baganda baffe ne banyina ffe bona nga tutwaala ekyokulabirako kyabwe.

## May 17

### [Abatukirivu Andronicus and Junia, Abatume]

I Ayi Katonda, Omwana wo Kristo eyazuukira yawereza abatume bo Andronicius ne Junia okubuulira enjiri era nokugaziya obwakabaka bwo; tuwerezze Mwoyo wo Omutukuvu nti nga bo ffe, fembi abasajja na bakazi, tukolaganire wamu ng' abajulirwa abesigwa abe njiri ya Yesu Kristo; oyo abeera omulamu era afugira awamu nawe ne Mwoyo Mutukuvu mu bumu obutukiridde, omu, kaakano ne mirembe. *Amiina.*

II Ayi Katonda, Omwana wo eya zuukira yawereza abatume Andronicius ne Junia okubuulira enjiri era no kugaziya obwakabaka bwo; tuwerezze mu Mwoyo wo Omutukuvu nti nga bo ffe, fembi abaami na bakyaala, tusobole okolagana ng' abajulizi abe njiri ya Yesu Kristo abatuufu; abeera omulamu era afugira awamu nawe ne Mwoyo Mutukuvu mu bumu obutukiridde, Katonda omu, kakaano ne mirembe. *Amiina.*

#### Zabuli

68:1-11

*oba* 116

*oba* 116:1, 5, 10-17

#### Ebitundu

Isaaya 61:1-4

Abaruumi 16:1-2, 7, 16, 25-27

Yokaana 17:6, 17-22

*Okunyonyola ABatume Banno*

### **Abatume bano kye batuyigiriza**

Andronicus ne Junia ba mugaso kubanga ba kyakulabirako ekyo musajja n' omukazi abakolaganira awamu mu buwerezza bwo kubulira enjiri ya Yesu Kristo wakati mu bulabe. Okwongerako, kya kavumbulwa mu banga si lye wala, mu byafaayo, nti Junia yali mukazi, era nekiba kya lwaatu nti ye yali omukazi yekka eyatumibwa omutume mu Baibuli. [newankubadde nga NRSV ekiriza amazima gano, Baibuli eva mu lulyo oluzuungu, era ne yo eyo lulyo olu guliiki, emazze ebyassa bingi ng' emuyita linya kokere elye kisajja, Junia.] Okuvumbula kuno kulaga obujulirwa bwe bya wandiikibwa obwo mukazi omutume era nebituwa ekyo kulabirako ekyamanyi mu mirembe egyedda ekyo mukyala omuyigirizwa, akola, ng' omuwerezza omutume.

### **Ekigambo ku lunaku lwo kugyaguza**

Twagala okubiriza amakanisa agalina okusaba wakati mu wiiki okugatta okugyaguza kwa Andronicus ne Junia mu kalenda zaabwe. Naye singa May 17 agwa ku Sabiitti oba ku lunaku lwo kulinya mu Ggulu, okujukira kuno kwetaaga okutekebwa ku lunaku olulala mu wiiki, kiyinza okuba wiiki emu mu maaso oba emabega.

### **Okulaanga**

Okulaanga okugyaguza no kumanyisa e Kanisa yo ku byafaayo bya Andronicus ne Junia, nga muyita mu biraango n' amawulire g' e Kanisa aga buli wiiki oba buli mwezi, kiyinza okwagaziisa era nekiletera abantu okumanyisa wangi okugyaguza kuno. Muyinza okuyiiya obuzaanyo mu kibiina kya Sunday School obukwaata ku Andronicus ne Junia, nga bukwaata ku kujja kwa Mwoyo Mutukuvu era nobwo obwogera ku ngeri ki ekanisa bwe yatandiika era negaziwa.

### **Bino bili mu luzuungu lwokka [For further reading in English]**

- Rena Pederson, *The Lost Apostle: Searching for the Truth about Junia* (San Francisco: Josey-Bass, 2006)
- Eldon Jay Epp, *Junia: First Female Apostle* (Minneapolis: Fortress Press, 2005)
- Kathryn Picard, *The Biblical Apostles Andronicus & Junia: Introducing the History of Their Veneration as Saints*. 2009. [www.lulu.com](http://www.lulu.com)
- A four-page history of Bible translations and commentaries can be found online at <http://www.womenpriests.org/classic/brooten.asp> including Swahili, but not in Luganda. For **Swahili**, click on “Languages,” > African > Swahili.

Bitekeddwatekeddwa akakiiko ke byo kusaba n' okuyimba mu Episcopal Diocese ye Massachusetts. Kyakyusibwa Rev. Christine Nakleyune ne Rev. Mary Tusuubira. Ekiwandiiko kino oyinza okukisaanga mu nimi endala okuva ku kakiiko ku ndagiriro eno [www.katrinasdream.org](http://www.katrinasdream.org) > Katrina's Story > Just Words > Saints Andronicus and Junia, Apostles > Ekiwandiiko kino kyasomebwaamu nga 11/08.